

12th February 2017.

OKUBIKKULIRWA KW'OKKUZIBWA N'OKUSSIBWA
KW'AMAWANGA.

(The Revelation of the Rise and Fall of Nations.)

Danyeri 2:29 – 45.

Leero nga tweyongerayo mu musomo gwaffe mu Danyeri essuula 2, we twalekera atuusiddwa eri Nebukadduneeza amubuulire ekirooto kye, n'amakulu gaakyo, ebyaali biremye Abakaludaaya abagezigezi bonna, abafumu, n'abalaguzi b'omu Babulooni era nga Kabaka alagidde batemebwetemebwe n'amayumba gaabwe gamenyebwemenyebwe.....

Twaleka mu Inny. 28 Danyeri akakasizza Kabaka Nebukadduneeza nti.....

Mu Inny. 29 , olugamba nti.....

Tulaba nti nga ttanneebaka, Kabaka Nebu. Yali afumiitiriza ku byandibaawo ng'avuddewo ku nsi eri obwakabaka bwe, nga yeewuunya oba guliba gutya; Batabani be bannaabukuuma, banaabukulaakulanya, biriba bitya biriba bitya.....

Mukama kwe kumuloosa bwe biriba ssi nga yakavaawo kwokka wabula emirembe gyonna egy'obufuzi obukulu obuliba ku nsi eno!

Era mu kkyo mwe yali amweyoleseza n'obuyinza bwe obwenkomeredde, naye ssi gyaali yekka, naye n'eri Yuda abaali mu buwananguse – (Ba Danyeri), era n'affe fenna, abalabira mu byafaayo obutuukirivu bw'ebyo byonna obutereevu nga bwe byabikkulirwa.

Ne Danyeri teyeegulumiza mu ngeri yonna nga bwe yakikkaatiriza mu Inny 30, nti....

Mu nny. 31 - 36a, Danyeri mwe yabuulirira Kabaka Nebu ekirooto.....

Amakulu n'agamuwa okuva ku Inny. 36b – 45.....

Mu bufunze nga bwe byaatuukirira mu byafaayo; Ddala Omutwe ogwa Zzaabu omulongoose bwe bwaali obufuzi bw'Abababulooni obwa Kabaka Nebu. Obwaali obwa nnakyeemalirira obwawambwa obufuzi bw'Abameedi n'Abaperusi mu 539 BC.

Obulagwa ekifuba n'emikono ebya ffeeza, obwassibwaawo Kkuulo (gwe twabuulirwako mu ssuula 1:21), nabwo obwawambwa obw'aba Yonaani(Greek) obwafugibwa Alexander "The Great" mu 330 BC, obulagwa ng'olubuto n'ebisambi eby'ekikomo; Nabwo obwawambwa obw'Abaruumi mu 63BC obulagwa ng'amagulu n'ebigere eby'ekyuuma obwafugibwa ba Kayisaali abaalina abakiise abakungu abaatesanga obufuzi bw'abwe bwe butwaalibwa.

Tweetegereze okkeendeera kw'omuwendo gw'ebyuuma gyebweyongerayo, kyokka ng'era ebika by'ebyuuma by'ebimu mwe byaakyaaka mu bufuzi bw'abo abaaliwo mu mirembe egyo.....

N'obwakabaka obw'okutaano obwa Mukama Yesu Kristo obw'okusaanyaawo bwonna obw'okunsi era bubune mu nsi/amawanga gonna gonna, nga bwe tubuuliddwa mu nny. 44,45.....